WOMEN OF UGANDA NETWORK (WOUGNET)
“Kulw’ettutumu mu mirimu gye bya kompyuta n'eby'empuliziganya mu Uganda”

Ekiwandiiko ku pulogulaamu ya radio

Omuweereza byalina okumanya

Ekiwandiiko kino kikwata ku mirimu oba bizinensi ezikolebwa abakyala nga beyambisa kompyuta n'eby'empuliziganya mu Uganada. Puloguraamu eno egenda kugezaako okunyonyola kawefube atuukidwako mukutumbula, mukugunjawo n’okulongoosa emirimu abakyala gyebakola nga bayita mukweyambisa kompyuta n'eby'empuliziganya mu Uganda. Nolwekyo, ekiwandiiko kino, kigenderera okulaga omugaso emirimu egyekika kino abakyala gyebenyigiddemu bwe kiyamba enyo eggwanga lyaffe Uganda.

Nga pulogulaamu eno ekoledwako netuuka okuwulirwa abantu, egenda kugezaako okutegeeza abantu ebikwata kumirimu/bizinensi ezikolebwa nga weyambisa kompyuta n'eby'empuliziganya. Pulogulaamu eno ejja kunyonyola okola bizinensi nga weyambisa kompyuta n'eby'empuliziganya kyeki, era lwaki zandyetaagisiza okuwagirwa, okuyiyiiza wamu nokuzidukanya. Ejja kulaga ngeriki bizinensi zino gyezisobola okupimwa okulaba oba ziyambye eggwanga.

Pulogulaamu eno ekoledwa mu bitundu bisatu ebisengeka esonga enkulu ezikwata ku bizinensi z’okweyambisa kompyuta n'eby'empuliziganya. Puloguraamu eno ejja kuba nomuteesiteesi wamu nabagenyi mu situdiyo. Abantu abalimu wamu namanya gaabwe nebifo bisobola okukyusibwa okutuuka ebyo ebiri mu mawanga agenjawulo. Abantu abalimu kiwandiiko kino bagidwa mu kitabo ekilaga ezirukanya ya bizinensi ezikolebwa ne kompyuta n'eby'empuliziganya.

Ebitundu byonsatule bigwa wansi womutwe: “Kulw’ettutumu mu mirimu gye bya computa mu Uganda”. Ebitundu bino mwemuli:
Ekisooka: Okutandikawo bizinensi nga weyambisa ebyuma bya kompyuta n'eby'empuliziganya (saawa emu)
Ekyokubiri: Okuddukanya bizinensi eyebyamagezi ga kompyuta n'eby'empuliziganya (edakiika assatu)
Ekyokusatu: Okuyambibwa mu bizinensi yebyamagezi ga kompyuta n'eby'empuliziganya (edakiika assatu)

Program eno ekutusibwako Women of Uganda Network (WOUGNET) tusangibwa ku Plot 53 Kira Road e Kamwokya mu Kampala ku internet tusangibwa ku www.wougnet.org. Tukolaganira wamu ne Dr. Richard Heeks owa University ye Manchester mu United Kingdom. Ate ekitongole ekituyimirizawo nokutusamu ensimbi kye kya U.K Department for International Development (DFID) - Ekitebe kya Bungereza ekinnyikiza Enkulakulana mu nsi yonna.

PART 1

NTANDIKA BIZINENSI YA KOMPYUTA N'EMPULIZIGANYA

Edoboozi (SFX): Amaloboozi agenjawulo gamale sikonda 15, nga mulimu esimu eyolukomo evuga, cell phone nayo evuga, amaloboozi gesimu enyolebwa, aga fax machine, okujjako nokusako kompyuta, e mail, nga ofunye ebaluwa, amaloboozi ga printer, obuyimba obugulawo ku Television ne Radio.

SFX
Kendeeza awereza atandike

Awereza
Nkwaniriza nnyo mu programme eno egenda okwongera okuyamba abakyala okumanya bingi ebikwata ku magezi ga kompyuta nebyempuliziganya ebilala. Abakyala bangi batandise emirimu egyekusa ku mpuliziganya nga data entry, e-services, okusomesa ebikwata ku mpuliziganya, cyber cafes, okuyunga nokugatta ebyuma bya kompyuta nokulakulanya software, ekibayambye okwetandikira emirimu egyabwe mwebekolera sente.

Tugenda kulaga mangu engeri gyosobola okuyingira mu mulimu guno nokola sente, bwoba wagutandika dda, tujja kuyigiriza engeri gyosobola okugulongoosa osobole okwekolera amagoba.

SFX

Awereza
Program eno ekutusibwako Women of Uganda Network (WOUGNET) tusangibwa ku Plot 53 Kira Road e Kamwokya mu Kampala ku internet tusangibwa ku www.wougnet.org. Tukolaganira wamu ne Dr. Richard Heeks owa University ye Manchester mu United Kingdom. Ate ekitongole ekituyimirizawo nokutusamu ensimbi

kye kya U.K Department for International Development (DFID) - Ekitebe kya Bungereza ekinnyikiza Enkulakulana mu nsi yonna.

SFX

Awereza

Tukoze okunonyereza kungi okusobola okumanyisa ngeri ki gyosobola okuganyulwa nga wetandikidde oba okuwagira emirimu gyokulakulanya bizinensi za bakyala eza kompyuta n'empuliziganya. Bino byona osobola okubifuna mu kitabo ekiyitibwa:

"Okulakulanya bizinensi za bakyala eza Komputa n'empuliziganya", kiyamba okutumbula, okuyiya nokulongoosa, emirimu gye mpuliziganya egikolebwa abakyala mu Uganda 2006. Kyawandikibwa: Ekibiina ekikwataganya abakyala ku bya Tekinologiya w'ebya Kompyuta n'Empuliziganya mu Uganda "Women of Uganda Network (WOUGNET)". Nga bayambibwako: Etendekelo elikulakulanya ebikolebwa Institute of Development Policy and Management (IDPM), University ye Manchester ne Ekitongole ekivunanyizibwa ku bye nkulakulana mu nsi yonna, Department for International Development (DFID).

Eli mwe abalina omukutu ogwa Internet tufune ku;
http://www.wougnet.org/Projects/wieug.html. Omukutu ogwo gukuyunga ku ngeri gyosobola okuyambibwamu okkulakulanya bizinensi za bakyala eza kompyuta.

SFX

Awereza

Mu programme eno tujja kutunulira engeri gyosobola okutandikawo omulimu gwe mpuliziganya, nokolagana buteerevu ne government, ebibiina bya banakyewa, banekolera gyange, CBO oba ebitongole ebikolera emirimu mu bitundu abagaba obuyambi, banks, nebitongole byenjigiriza. Tujja kkuleetera era tukubulire ku baasooka mu mulimu guno era abakoledde ddala obulungi nga, Amelo owo mu kitongole ki

SACROD Limited Uganda, Perpetua owo mu Intergrated Kompyutas and Electronics (U) Ltd, Njeri ono ali mu Wananchi online Kenya, Sharmila wa mu Soften Group of Companies in Tanzania, Aurelia wa Millenium Kompyuta Electronic Sales Tanzania.

SFX
Akayimba okumala edakiika 3
SFX

Awereza
Kulikayo mu kuwumulako, mu programme yaffe twogera ku kwetandikirawo omulimu, gwokulakulanya bizinesi ya kompyuta ne mpuliziganya, era mu studio nina abakyala abali mu mulimu guno nga bagufuniddemu ddala sente eziwera. Wamu nokufunira abakyala abalala emirimu, mu kiseera kino njagala okwaniriza Amelo, Perpetua, Njeri, Sharmila ne Aurelia.

Bonna badiramu wamu:
Webale nnyo era tuli basanyufu okutukyaza ko wano.

Awereza
Musooke mutubulire ku bizinensi ya kompyuta ne mpuliziganya gyemufunyemu obutitimbe bwensimbi.

Amelo
Mu mulimu gwa kompyuta n'empuliziganya tukozesa tekinologiya wabyampuliziganya nga kompyuta, Internet, nebilala byebikwatagana netusobola okulakulanya enfuna yaffe eya bulijjo. Kyangu abakyala okuganyulwa kuba omukyala asobola okufuna omulimu, nafunamu ejamba ate nafuna obukodyo nokwongera okumanya.

Perpetua
Omulimu gwona ogutasobola kutambula nga tegweyambisiza kompyuta nampuliziganya gubeera gwa mpuliziganya ate era singa nanyini gwo, oba abagudukanya abasinga obungi

bwebaba abakyala tuguyita Bizinensi ya bakyala eya kompyuta ne mpuliziganya "Women's ICT business".

Njeri

Ebyokulabirako byebino: bizinensi yabakyala eya kompyuta ne mpuliziganya, singa abakyala begatta wamu mu bwegassi nga omulimu gwabwe kugatta zi kompyuta, omukyala nga yeyedukanyiza engeri kompyuta gyeziwuliziganyamu mu banga oba tele-center. Omukyala nga yatunda ebyuma ebikola mu kompyuta, omukyala eyatendekebwa nakenkuka mu kuterawo abalala okuyungibwa ku mikutu gye mpiliziganya oba web site, nabakyala 2 abasomesa kompyuta mu tekinologiya webyempuliziganya.

Sharmila

Okutwalira awamu emirimu gyebyempuliziganya gye gino;
Ekisooka: Abakozesa bizinesi ya komputa ne mpuliziganya okufunamu ensimbi
Ekyokubiri: Abagikozesa nga tehinologiya asokerwako.
Ekyokusatu: Nabakozesa kompyuta ne mpuliziganya okuyamba abalala.

Aurelia

Bwoba oli mutunzi nga oyagala otandike okukozesa e-mail oba nga olina ekyuma wofumbira emigaati oyagala kwetandikirawo kuyungibwa ku mpuliziganya ya kompyuta omulimu gwo tegukwatagana nabya mpuliziganya.

Awereza

Bwetwogera kumulimu gwempuliziganya tutunulira okutunda nokubifunamu sente nokukola amagoba. Abakyala banasobola batya okuyingira mu mulimu guno?

Amelo

Abakyala abalina bu bizinesi obutonotono abagala okulakulana mu mirimu gyobusubuzi nokufuna amagoba basobola okuguyingila. Era mu ngeri eno bizinensi zo ozikola nga nekolera gyange. Osobola okutandikawo akabiina kabakyala akatonotono akokwekula kulanya mu mbeera ezabulijjo nemufuna bizinensi okuva mu bibiina ebineneko ebikolera

mu kitundu nebyabanakyewa. Oluvanyuma era muyinza okubyegattako nga ekibiina kyabakyala ekiyambibwako gavumenti. Ekibiina kino bwekiba kyagala sente eziwerako kiyinza okwewandiisa mu bibiina ebitwala banekolera gyange.

SFX: fade in and fade out

Awereza

Tubulire engeri gyewayingila mu mulimu guno ogwa kompyuta n'empuliziganya.

Amelo

Mu mwaka gwe 2001 SACROD yatandikibwawo mu Uganda, era okutandikila ddala okukola mu bujjuvu gwali mwezi gwa January omwaka ogwe 2004. Sente zetwasooka okukozesa zaava mu banyini kampuni abagula emigabo. Ebigendererwa bya kampuni kwekutuusa empereza ya kompyuta n'empuliziganya ku bantu. Abatuwa emirimu mulimu ebibiina byabanakyewa, gavumenti, ababazi bebitabo namakampuni agobwananyini.

Perpetua

Intergrated Kompyutas and Electronics (U) Ltd yatandikibwawo mu mwaka gwa 1996. Okusinga nali njagala nnyo okusikiliza abakyala bayingire mu bya Science ne Engineering, oluvanyuma lwe banga eddene lyenakolera mu East African Power and Lighting Company mu Kenya. Tutunda ebintu nga zi Kompyuta, Printers, Scanners ne ebyuma ebyokya empapula. Tudabiliza nokukola emirimu egikwata ku bya kompyuta.

Njeri

Ffe twayagala nnyo okujjawo olukonko oli wakati wa bakozesa ebyuma bya kompyuta nabatabimanyi. Tulina Internet nga tuyunga abantu ku mikutu gye mpuliziganya, ne e-mail. Amakampuni amanenne ddala gatuwa emirimu nabantu ba sekinoomu, era omwaka ogwayita twakola amagoba ga mitwalo 95,000 egya dolla ya America.

Sharmila

Namaliliza degree yange mu kompyuta Science mu mwaka gwe 1987 nentandikilawo okukola nga designer mu kampuni eyitibwa Kompyuta and telecom e Dar-es-salaam. Mu mwaka gwe 1992 nakuzibwa nenfulibwa Manager. Wano wenafunira ekirowoozo nti nange nsobola okwetandikilawo omulimu ogwange ku bwange, bwentyo nentandikawo Soft Tech Company. Twatandikila mu kasenge kamu akaali okumpi nakatale nga kalilanye abatunda emmere. Kati wenjogerera tulina amakampuni ana gonna gali wansi wa Soft Tech. Tukola emilimu mingi omuli okutendeka mu byempuliziganya okulakulanya ebya soft ware, okubudabuda abaguzi okubayunga ku internet nokubafunila emikutu gyempuliziganya. Mu Tanzania tukolerayo ebya electronics era omwaka oguwedde twakola amagoba ga dollah obukadde 7.

Aurelia

Nali mukozi mu SOKOINE University nga nkola nga makanika. Sente zeneterekera ebanga lyenamala nga nkola zeneyambisa nentandikawo Millenium Kompyutas. Obumanyilivu bwe nalina bwanyamba nnyo okutandika kampuni eyange ku bwange. Tudabiliza Kompyuta tutubda ebintu byazo tukola data entry era buli mwaka tukola emitwalo gya dollar 15.

Awereza

Tovaawo tukomawo abateesa baffe batubulire ki ekyetaagisa okutandikawo omulimu gwokulakulanya bizinensi za bakyala eza kompyuta n'empuliziganya, nabiki byetusobola okusinzirako okutuuka ku buwanguzi.

SFX

Akayimba okumala edakiika 3

SFX

Awereza

Abakyala abagala okwetandikilawo bizinensi za kompyuta n'empuliziganya betaaga ki? Era ki ekisobola okubayamba okutuuka ku buwanguzi?

Amelo

Nze mukutandika omulimu guno natandika ne kompyuta yange emu Laptop, Printer no mukutu gwa Internet, Windows ne Software. Nanyini mulimu alina okuba nobumanyirivu, nga mukujjukujju ate nga agwagala. Alina okuyisa obulungi abantu abajja, ate nga buli kiseera yeyongera okuyiga, kino kimuyamba okutuuka ku buwanguzi.

Perpetua

Mu kiseera kino tulina kompyuta 15, ne wireless Internet. Software gwetukozesa ye Linux ne Windows. Okusobola okutuuka ku buwanguzi, obumanyirivu mumulimu guno kikulu nnyo ate oteekwa okwewayo okukola ennyo.

Njeri

Byetukozesa mu kiseera kino mulimu kompyuta ezisoba mu 100 nga zonna zaffe, tulina Servers, Internet ne Printers, tukozesa Linux software, Windows, Pastel Accounts, Fireworks, Dream weaver, Micromedia flash ne Photoshop. Okusobola okutuuka ku buwanguzi olina okuba nebintu ebiwerako ebivaamu ensimbi nokubeera nga oli ku mutindo ogwa wagulu bulijjo.

Sharmila

Kampuni eyange nnenne nnyo tulina kompyuta 275, servers 27, Internet eyaffe eri Broadband, ate software mulimu Microsoft ne Oracle. Tulina abakozi 274 nga kubo 71 bakazi. Obuwanguzi bwaffe buva ku bananyini Kampuni, basobola okukanika nokuyamba awaba wasobye nokwewayo okuteeka ensimbi mu tekinologiya omutuufu. Kikulu nnyo okubera nabakozi abalungi ate nga kyebakola bakyagala.

Aurelia

Mu Millennium Kompyutas tulina esimu emu eya landline, Laptop kompyuta emu, ne desktop kompyutas 2. Software tukozesa Microsoft Office. Okutuuka ku buwanguzi gwe wenyini oteekwa okubanga omanyi kyokola era nga wekakasa mu bya kompyuta n'empuliziganya, ate oteekwa okwagala nokwenyumililiza mumulimu gwo.

Awereza

Abateesa baffe batulaze nti emirimu tegyenkanankana, buli gumu guba ku mutendera gwa njawulo, otandikawo akalimu katono nekangenda nga kagejja mpola, era nga kyetaagisa sente nebintu ebyenjawulo. Abakyala abali mu mulimu gwa kompyuta n'empuliziganya ebibatusiza ku buwanguzi ebisinga bifanagana, naye abakyala bano bibagendera bulungi. Katuwumulemu ate tudde tulabe ebizibu bye basanga nengeri gyebaganyulwamu.

SFX

Akayimba okumala sikonda 30

SFX

Awereza

Nkakasa nga baangi ku bakyala abawuliriza programme eno batandise okwetegeka okutandikawo bizinensi zokulakulanya komputa ne mpuliziganya. Birungi ki byebasuubiramu ate bizibu ki ebiri mu mulimu guno.

Amelo

Ekikulu kyofunamu gwe musaala ogwabuli mwezi kyensuubira nti kirungi nnyo eri abakyala. Ekizibu ekigurimu abantu abasinga tebakiriza nti abakyala basobola okukola obulungi mu bya tekinologiya era tebaagala kusasula bakyala sente nyingi nga zebasasula abakyala.

Perpetua

Abakyala bangi abali mu mulimu gwa Kompyuta ne mpuliziganya banka zibawa nnyo emirimu. Abakyala abalina kyebamanyi ku mulimu guno beyongeredde ddala okwenyigila mu projects zenkulakulana, wabula balina ekizibu kimu emirimu bwegiba egyokukanika bakwatibwa ensonyi okugikola.

Njeri

Emirimu gye Kompyuta n'empuliziganya gisasula bulungi, buli agibaamu atendekebwa kyenkanyi, abakyala basanga okusoomozebwa kwa maanyi okugerengetanya mu kwawula ebikwata ku mulimu nebyamaka gabwe.

Sharmila

Mu mulimu guno buli daala wotuuka ofunawo obukugu. Naye okusomozebwa okugulimu oteekwa okubanga osobola okukola emilimu mingi ate ku bwangu.

Aurelia

Omulimu gwa Kompyuta n'empuliziganya gusasula bulungi

Awereza

Mwebale nnyo mwebalire ddala abateesa baffe. Awuliriza ndowooza kati tutegedde omulimu gwokulakulanya bizinensi za bakyala eza kompyuta n'empuliziganya kyeki. Tutegedde emirimu gyabakyala egya kompyuta n'empuliziganya, tutegedde wa abakyala gyebasobola okwongera okufuna amagezi agakwata ku mirimu gya komputa n'empuliziganya, tuwulidde engeri yokutandikamu bizinensi za bakyala ezokulakulanya kompyuta n'empuliziganya nokusoomozebwa okuli mu mulimu guno ogwa bizinensi z'abakyala eza kompyuta n'empuliziganya.

Mu programme yaffe eneddako era tujja kubeera nabakyala bano, era tujja kutunulira ngeri ki omukyala gyasobola okudukanya mu omulimu gwa kompyuta n'empuliziganya.

SFX

Awereza

Pulogulamu eno ebatuusibwako Women of Uganda Network (WOUGNET) ekitongole ekikwataganya abakyala mu Uganda ekyetanila okugukulakulanya omulimu gwa kompyuta n'empuliziganya.

Tuukilira WOUGNET omanye ebisingawo ku ngeri gyosobola okwetandikirawo, oba okuyamba emirimu gyokulakulanya bizinensi zabakyala eza kompyuta n'empuliziganya mu Uganda. Era osobola okutukilira WOUGNET nofuna ekiwandiiko ekikwata ku ngeri yokuwagira abakyala, okubayamba okubatumbula, okutandika no kusitula omutindo gwa businensi za bakyala eza kompyuta mu Uganda. Ekitabo kino wekiri mu Lungereza, Luganda ne Luo.

SFX

End.

PART II

ENZIRUKANYA YA BIZINENSI YANGE EYA KOMPYUTA N'EMPULIZIGANYA

SFX

Awereza

Nkwaniriza mu kitundu ekyokubiri ekya programme yaffe ekwata ku bakyala abali mu mulimu gwa kompyuta ne mpuliziganya era wetutuse nkakasa nawe omaze okulowooza wonotandikira.

SFX

Mu program eno tujja kutunulira engeri yokudukanyamu omulimu gwa kompyuta n'empuliziganya nengeri ki gyosobola okugukwatira awamu ne bibiina byabanakyewa ebikolagana ne government, banekolera gyange, abagaba obuyambi, bank ezenjawulo, namatendekelo.

Mu programme eyayita twalaba emirimu gya kompyuta n'empuliziganya egyenjawulo, waliwo egiyambibwako government, egyobwananyini nga gituusa empereza ku bantu, negidukanyizibwa abantu abaabulijo mu bitundu mwebabeera.

Kiyinza okuba ekizibu okudukanya omulimu gwa kompyuta n'empuliziganya, olwokuba nti abakyala abasinga naddala abo mu byalo, tebalina kyebamanyi ku bya busuubuzi obutonotono. Singa wabawo enkyukayuka mu tekinologiya nabakozi, baba tebamanyi kya kukola olwobutaba nabumanyirivu, songa era waliwo nebilala bingi ebyetolodde omulimu guno byebateekwa okumanya.

Mu programme eno tujja kuyiga ebikwata ku bakyala mu mbeera zabwe nengeri gyebayinza okutwala mu omulimu guno ogwokulakulanya bizinensi za bakyala eza

kompyuta, tujja kuyiga engeri gyebayita mu bizibu ebitali bimu, ate tutegere bulungi engeri gyebawagiramu bizinensi za kompyuta ezidukanyizibwa abakyala.

Katumale okwaniriza abagenyi baffe abagenda okutuwa ebyo ebinatuyamba okugenda mu maaso mu mulimu gwaffe. Tulina Amelo, Perpetua, Njeri, Sharmila ne Aurelia, tubaniriza mu studio olwaleero.

Bonna awamu
Webale nnyo era tubalamusiza mwena.

SFX

Awereza
Ba customers ba bizinensi za bakyala eza kompyuta bebaani, era mubasendasenda mutya okubeyunira.

Amelo
Buzinensi za bakyala mu kompyuta zisanga obuzibu okufuna ba customer abapya olwokuba zitandika nga ntono nnyo ate nga tezirina ngeri gyezikwatagana mu nobutale obunene naye nga abaguzi babwe bagwa mubiti 5.

Ekisooka
Okufuna contract okuva mu government nebitongole ebinene mugwanga.
Ekyokibiri
Okufuna contract okuva mu bitongole ebyobwananyini.
Ekyokusatu
Okufuna obutale nabaguzi okuva mu bagaba obuyambi, nemubanakyewa
Ekyokuna
Amacampuni okuva mu kitundu ekyetolode awali office
Ekyokutaano
Abantu ba sekinomu nabomukitundu.

Okufuna abaguzi abakyala abali mu mulimu kwokulakulanya bizinensi za kompyuta n'empuliziganya balina okumanya ebitongole ebigenda byeyongera okulakulana nga byetaaga empereza ya computa nokwenonyeza obutale we buli, saako okugulawo enkolagana eyobwaseruganda nabo bebazudde nti betaaga empereza ya kompyuta.

Obukodyo buno 3 abakyala balina okubumanya.
Ekisooka, okukozesa obukodyo obwenjawulo nga ofunye akatale, gamba okolagana otya nabakuwadde tender okuva mu campuni enenne.

Ekyokubiri, oteekwa okuba nabukodyo obugendera mu mulimu gwo nga bukwatagana nobweetaavu bwa bantu bowereza, ne kyokusatu, oteekwa okukwatagana obulungi nabaguzi bo abakuletera emilimu abolulango, balina okukusamu obwesige, nokutegeragana nabo obulungi.

SFX

Awereza
Kati tufunye ba customer mu bizinensi yabakyala ekulakulanya ebya kompyuta n'empuliziganya. Wetaaga abakozi abanakolagana obuterevu nabaguzi bo.
Abakozi obogerako ki?

Perpetua
Abakyala balina okutegeka abakozi ababakolera nga basinzira ku nkyukakyuka nebyetaago mukatale. Buli mulimu gussibwako omuntu agulinako obumanyirivu asobola okugenda ne nyukakyuka.

Okusaawo embeera eyeyagaza abakozi nokubasasula obulungi, baterewo enkola enyangu nga bali ku mulimu, kola nabo endagaano ate olambike bulungi ensonga ezibavirako okugobwa ku mulimu oba okuwumuzibwa nokusalibwako.
Bulijjo kyetaagisa okutunulira company yonna nomanya ensonga eziyinza okuvirako abakozi okulemesebwa bye baba basazewo okukola. Watekwa okubaawo embeera

eyokusiima emirimu abakozi gyebakola, ate nabo obawe omukisa benyigire mu kusalawo ensonga ezikwata ku campuni. Singa kino kiba kikoledwa, kyenkanankana nokubongeza emisaala.

SFX

Awereza

Perpetua webale nnyo, okututunuza mu nkwata ya bakozi. Tovawo tukomawo oluvanyuma lwokuwumulako, ensonga gyetuzako nkulu nnyo ekwata ku byansimbi. Twagala okutunulira wa abakyala gyeba najja sente okusitula omutindo gwa bizinensi zabwe.

Music interlude

SFX

Awereza

Nyongera okwaniriza mu programme yaffe eno, katutunulire engeri yokufuna mu ensimbi. Omulimu gwa kompyuta ne mpuliziganya gwetaagisa gutya ensimbi?

Njeri

Sente zetaagisibwa okutandika bizinensi nokulaba nga gweyongera okkula. Genda nga ogwongeramu sente okusinziira ku biba byetaagisa nokugenda nga otandikawo ebintu ebigya ebigendera ku bizinensi yo.

Ekisooka, sente ezisokerwako okugula ebintu ebitandikawo omulimu oyinza okuzewola oba okwewola ezongerwamu naddala nga kampuni emaze okusimba amakanda esobole okulakulana.

Eyokubiri, sente ezabuli kiseera zetaagisa olwokukuma bizinensi nga etambula. Sente ezo ziva mwezo ba kasitoma zeba sasulirawo, ezisasulwa nga contract ewedde, okukungaanya eziri mu mabanja, zonna zibere mu bizinensi zikole.

Obubanja obutono nabwo buyamba nnyo sente ezikola okuberawo. Oyinza okufuna sente zino nga overdraft oba mubitongole ebiwola ensimbi. Sente zino ziyamba okuzibikira emyaganya egyetaaga sente egigenda gigwawo mu bizinensi.

Micro finance - byebitongole ebiwola ensimbi bidukiridde nnyo abakyala abadukanya obulimu obutonontono. Abamu basobola okwewola mu benganda zabwe ne mube mikwano.

SFX

Awereza
Ebyo tubitegedde katusubire nti omukyala sente zeyetaaga okudukanya bizinensi ya kompyuta n'empuliziganya azifunye, banakola batya okufuna tekinologiya gwebalina okweyambisa?

Sharmila
Okwongera ku mutindo gwa tekinologiya mu bizinensi ya kompyuta n'empuliziganya kiyinza okuba ekizibuzibu mu kuyimirizawo omulimu guno. Era wano abakyala batekwa okwegendereza nga bagula ebyuma ebyokukozesa ne software. Bizinensi otekwa okulaba nga ogitegeera bulungi nensimbi ezigivamu zeezi tekwa okugitambuza.

Ebyuuma byogula biteekwa okutumbula bizinensi yo nga bisikiriza ba customers nokwongera ku bungi bwe mirimu egiretebwa.
Sente ezisasanyizibwa okudukanya omulimu ne ku mpuliziganya ziteekwa okukendera. Tekinologiya akozesebwa ateekwa okufulumya omulimu omuyonjo, nokwongera okuyiyiza bizinensi yo enkola yemirimu emirala.

Awereza
Biki omukyala byasuubila okusaamu ensimbi ebisookerwako, era biki ebinaaba bimwetaagisa okusamu ensimbi nga bwakola?

Sharmila

Ebisooka ebyetaaga sente mulimu okugula hardware nga kompyuters, ebiyungo byayo nga printer, scanner ne software nga bino byebyetaaga sente enyingi. Oyinza okwetaga omukugu, omuwi wamagezi oba eyebuzibwaako okkuyungira hardware ne software nokuzimbiramu ebyetaagisa.

Abakozi bajja kwetaaga okusomesebwa ku ngeri yo kukozesamu kompyuta nebyuma byona ebinaba bigatidwako.

Awereza

Ebirala ebiyinza okuyamba abakyala abali mu mulimu gwa kompyuta n'empuliziganya byebiliwa?

Aurelia

Okudukanya omulimu gwa kompyuta ne mpuliziganya, oteekwa okulowooza ku nsonga ezikwatagana nobutonde. Abakyala abenyigide mu mulimu guno bakyali batono nnyo.

Omulimu gulina okukwataganira awamu nebizibu oba abuvunanyizibwa bwomukyala bwalina okutukiriza mu maka ge. Nengeri ki gyebiyiinza okukosa omukyala oba omulimu. Obuvunanyizibwa bwomukyala okulabirira amaka buyinza okumulemesa okukola esaawa zatekwa okukola ne wa gyateekwa okukolera.

Abakyala abali mumulimu guno gubasensera mu busomyo, sosi kutuusa mukolo nti atuseko ku mulimu. Kyetaagisa okulaba nga ebyetaago bya bakyala abali mu mulimu guno babifuna (okugeza okweyongera ku bumanyirivu bwomulimu) nokuganyulwa mu mulimu nga (omusala omulungi nebilala)

SFX

Awereza

Twagala tulabe obuyambi obwetagisibwa okuwa obakyala abali mu mulimu gwa kompyuta ne mpuliziganya. Ekitundu ekyokusatu ekya programme yaffe tujja kwanukula ekibuuzo kino, nfuna ntya obuyambi bwokulakulanya bizinensi za bakyala eza kompyuta ne mpuliziganya?

Okufuna ebisingawo ku ngeri gyotandikamu nokuwagira emirimu gya kompyuta n'empuliziganya mu Uganda, tukirira Women of Uganda Network (WOUGNET) ekitongole ekikwataganya abakyala mu Uganda. WOUGNET esobola okkufunira ekitabo ekikwata ku kulakulanya omulimu gwa bizinensi za bakyala eza kompyuta n'empuliziganya, olwokuziyimirizawo nokuzitumbula wano mu Uganda. Ekitabo kino oyinza okukifuna mu lulimi olungereza, oluganda ne Luo.

SFX

End.

PART III

OBUYAMBI BWA BIZINENSI YANGE EYA KOMPYUTA NE MPULIZIGANYA

SFX

Awereza

Kwaniriza mu kitundu kya programme yaffe ekwata ku kulakulanya bizinensi za bakyala eza kompyuta n'empuliziganya ekisembayo. Mu programme eno tujja kutunulira amakubo agenjawulo agayinza okuyitwamu okuyamba bizinensi zabakyala zino, nabigenderwarwa ebitongole ebiyambi byebirina.

Ebitongole ebigaba obuyambi byetanira nyo okuyamba bizinensi ezetololera ku bigendererwa byabyo kuba baba nebigendererwa ebifanagana. Ebitongole byabanekolera gyange binakabala biwagira nnyo bizinensi ezobwananyini, ate ebibiina byabanakyewa bidukilira nnyo emirimu egiyambira awamu abantu bekituundu.

Olwaleero mu studio, omugenyi waffe Therese agenda kwogera ku buyambi obusobola okuwebwa bizinensi za bakyala eza kompyuta n'empuliziganya.

Therese akolera mu kitongole kya bakyala abekolera obulimu obutonono e Rwanda.

Tukwaniriza nyo mu studio

SFX

Awereza

Therese emirimu gyabakyala egikwata ku kulakulanya kompyuta n'empuliziganya buyambi ki obwenjawulo bwegyetaaga.

Therese

Bizinensi zino zirina ebyetaago bya mirundi 5 omuli;

Obuyambi bwa bizinensi engeri gyedukanyizibwamu.

Obwetaavu bwe bikolebwa.

Obuyambi obwongela mu mulimu.

Okuyamba olwembeera nebitongole ebilala.

Obuyambi bwa magezi nokuwabulwa.

Buno bwe buyambi obuwebwa omukyala okutukiriza ebigendererwa bye.

Obuyambi ku bintu ebyetaagisa bizinensi esobole okutambula.

Okulaba nga ebikolebwa bijjumbirwa okuyamba abantu okuleeta emirimu nokufuna abaleeta contracts kiyamba nnyo.

Bwe buyambi obuwebwa mu magezi gokuyamba omulimu gutambule omuli nokutendeka abakozi.

Engeri ekitongole gyekidukanyizibwamu nokukiyunga ku bitongole ebilrala.

Awereza

Oyo ayagala okuwa obuyambi abakyala bano ayingirira mu wa?

Therese

Asobola okuyamba omulimu guno ku ntandikwa yagwo. Oba ogwatandikibwawo edda nga bwegugenda gweyongera okukulakulana.

Awereza

Okusinziira ku bumanyirivu bwolina buyambi ki omulimu gwokulakulanya bizinensi za bakyala eza kompyuta n'empuliziganya bwegwetaaga?

Therese

Ebyetaago byemirimu gino bisobola okwawulwamu mu biti bibiri.

Ekisooka; Ebyetaago byomulimu gwenyini ogwa kompyuta n'empuliziganya.

Ekyokubiri; Ebyetaago byabakyala.

Mu byetaago mulimu ekisooka okwongera okuguzimba gusobole okugenda nekyukakyuka. Ensimbi ezigutekebwamu ku ntandikwa nebigulwa buli kiseera gusobole okutambula, ebintu nga amasanyalaze okuyungibwa ku mikutu gye mpuliziganya, nokwewayo okuvuganyizibwa. Nekisembayo, obucampuni obutono busanga obuzibu okukolagana namakampuni amanene.

Mwebyo ebi kwatira ddala ku bakyala mulimu ebikwata ku butonde bwabwe, capacity building, tebatwalibwa nga ensonga enkulu nga bali mu mirimu egyobuvunanyizibwa, engeri gyebasobola okuwolebwa, nokweyagalira mu mulimu gwo kulakulanya bizinensi zabakyala eza kompyuta n'empuliziganya.

Awereza

Bizinensi zabakyala zino tumanya tutya nti zitambula bulungi?

Therese

Osobola okugerageranya bizinensi za bakyala mu ngeri za mirundi esatu.

Esooka

Olabira kubantu bameka abakozesebwa. Mirimu gya ngeri ki egikoledwa. Amagoba gekola nebintu ebitundibwa nebileeta ensimbi.

Ekyokubiri

Bwotunulira engeri abakyala gyebeyisamu osobola okumanya obuyigirize bwabwe, embeera zabwe nobumanyirivu bwebalina.

Ekyokusatu

Abakyala tebaateranga nnyo kwenyigira mu murimu nga gino, naye bwotunulira abagirimu kati omanya bumanya nti baangi batendekedwa, baangi bakuzidwa ku mirimu era kati basobola okutuula ku bukiiko obusalawo ensonga enkulu.

Awereza

Therese webale nnyo.

SFX

Tutuse ku nkomerero yekitundu kyaffe ekyokusatu ekikwata ku ngeri yokuyambamu nokuyimirizawo bizinensi za bakyala eza kompyuta n'empuliziganya mu Uganda. Ebisingawo ku ngeri yokuyimirizawo nokwetandikirawo bizinensi za bakyala eza kompyuta n'empuliziganya mu Uganda tukirira ekitongole ekikwataganya abakyala mu Uganda ekya Women of Uganda Network (WOUGNET) era basobola nokufunira ekitabo ekikwata ku magezi gokutandika nokulakulanya bizinensi za bakyala eza kompyuta n'empuliziganya olwokutumbula emirimu gyabakyala egya kompyuta mu Uganda. Ekiwandiiko kilimu lulimi oluganda, olungereza nolu Luo.

Program eno ekutusibwako Women of Uganda Network (WOUGNET) tusangibwa ku Plot 53 Kira Road e Kamwokya mu Kampala ku internet tusangibwa ku www.wougnet.org. Tukolaganira wamu ne Dr. Richard Heeks owa University ye Manchester mu United Kingdom. Ate ekitongole ekituyimirizawo nokutusamu ensimbi kye kya U.K Department for International Development (DFID) - Ekitebe kya Bungereza ekinnyikiza Enkulakulana mu nsi yonna.

SFX

End.